## Ebbaluwa eno ewa obubaka obukwata ku kukomola kw'abasajja era n'okuziyiza akawuka ka mukenenya.

**Okukomola kw'abasajja kye ki?**

Ekigambo "okukomola kw'abasajja" kitegeeza okusalako akaliba ak'okungulu ku busajja. Mu nsi yonna, okukomola kukolebwa ol'weddiini, eby'obuwangwa,eby'obusawo, oba olw'ensonga endala. Abasajja nga 30 ku buli kikumi mu nsi yonna bakomole. Ekigambo"kukomolebwa kw'abasajja okwekisawo" kitegeeza okulongoosa nga bajjako akakuta ak'okungulu, nga kikolebwa omusawo omutendeke mu by'obulamu. Waliwo engeri endala ez'okukomola, eziyitibwa "Okukomola okwo'buwangwa", ekyo kitwaliramu engeri ezenjawulo ez'okusalako akaliba ak'okungulu, ekitera okukolebwa abantu abatali basawo batendeke mu by'obulamu.

**Kiki ekimanyiddwa ku kukomolebwa kw'abasajja n'okuziyiza akawuka ka mukenenya?**

Emisomo esatu(3) egy'okunoonyereza gyakolebwa mukisera ekitono ekyakayita okugezesa obanga okukomolebwa kw'abasajja okwekisawo kuyinza okuziyiza abasajja okukwatibwa akawuka ka mukenenya nga kayita mukwegatta. Okunoonyereza kuno kwalimu abasajja abassukka mu 10,000 okuva mu Kenya, Uganda ne South Africa. Okunoonyereza kuno kwalaga nti abasajja abaakomolebwa baalinga kitundu kimu kyakubiri abatafuna kawuka ka mukenenya okugerageranya naabo abataakomolebwa. Mu njogera endala, okukomolebwa kwasangibwa nga kukola ebitundu 50 ku buli kikumi mu kuziyiza abasajja okufuna akawuka ka mukenenya. Engeri endala ey'okunyonnyola kino kwekulowooza ku basajja nga 10 abayinza okwatibwa akawuka ka mukenenya okuva mu kwegatta n'omukyala alina akawuka ka mukenenya nga tebekumye. Ku basajja bano 10, okukomola kusuubirwa okuziyiza abasajja 5 okufuna kawuka ka mukenenya.

Okukomola kw'abasajja okwekisawo ye ngeri emu ekola mu bassajja okukendeza emikisa gy'okufuna akawuka ka mukenenya. Wabula, okukomola tekuwera ddala bukuumi ku kawuka ka mukenenya. Nólwensonga eno, okukomolebwa kutekwa okukozesebwa ng'ogasseeko engeri endala ezimanyidwa eziziyiza akawuka ka mukenenya, ng'otwaliddemu okukozesa obupiira bukalimpitawa mu ngeri entuufu era buli lwewegatta.

**Kiki ekirala ekimanyiddwa ku kukomola kw'abasajja?**

Waliwo ensonga endala enkulu ekikwata ku kukomola kw'abasajja abaami n'abakyala gye balina okumanya. Okukomola kw'abasajja tekuziyiza bakyala kufuna akawuka ka mukenenya. Abasajja abalina akawuka ka mukenenya ate nga bakomole bayinza okusiiga baganzi babwe akawuka ka mukenenya. Mu butuufu, kyangu omusajja okusiiga muganzi we akawuka ka mukenenya nga mu kiseera nga yakakomolebwa, nga ebbwa lye terinawona. N'olwensonga eno, omusajja eyakakomolebwa alina okulinda ebbwa lye okuwonera ddala nga tanaddamu kwegatta.



Singa oba ng'olina ebibuuzo oba nga wetaaga okumanya ebisingawo, mwattu kyalira kirinika y'okunonyereza ku:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044

Singa oba ng'olina ebibuuzo oba ensonga ez'amangu ddala, osobola okutuukirira:

Dr.Brenda Gati Mirembe

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044

Version 2.0, 28 April 2016

# Obubaka obukwata ku kukomola kw'abasajja era n'okuziyiza akawuka ka mukenenya

